# OBWOMU BWA ALLAH MU BUSIRAAMU.

Okuyigiriza nti Allah ali omu ,ali bwanamunigina kye kikolo ky'obusiraamu .Amateeka agasigadde gonna ebiragiro n'ebikkirizibwamu mu busiraamu bizimbirwa ku musingi guno,bw'okijjawo kino eddiini yonna oba ogisanyizzaawo.

# ERINNYA LYA ALLAH LYA NJAWULO LYA NKIZO.

"Allah" ly'erinnya lya katonda ery'obwakatonda bwe lirye yekka.Teririna bungi ate teririna kutegeeza mulyo nti lya kisajja oba lya kikazi, wabula tulitegeera nga bweriri.

# TEWALI KATONDA MULALA YENNA OKUJJAKO ALLAH.

"Ate katonda wamwe ali omu .Tewali asinzibwa okujjako yye" (Quraane:2 :163).

Obwomu bwa katonda mu busiraamu gwe mulamwa omukulu ogusobola okutegeerwa nga oyita mu bitendo bye bino wammanga.

* -Allah talina bamuyambako,yadde abamwenkana.
* -Allah talina taata ,maama ,abaana oba abakyala.
* -Allah asinzibwa butereevu awatali kuyitira mukintu kirala kyonna oba omuntu (kayungirizi).
* -Allah yye talina gw'asinza oba gw'asaba .
* -Allah talina gwe yesigamako ,wabula buli kintu kyonna n'abantu besigama kuye.
* -Allah tabuuzibwa kukyaba akoze.
* -Allah ye yatonda buli kintu kyonna ngatayambibwako .
* -Tewali kiri waggulu wa Allah oba ekimwenkana.
* -Tewali ayinza kuziyiza ekyo Allah ky'aba awadde omuntu oba ekintu wadde ayinza okugaba ekyo ky'aba ammye omuntu.
* -Allah yekka y'ayinza okutuusa omugaso kumuntu oba omukosa(akabi).

# ALLAH TALINA BAMWENKANA

"Abaffe abalezi abangi abalina enjawukana mubo bebasinga oba Allah omu yekka owawaggulu? "(Quraane:12:39).

Abasiraamu tukkiriza nti okubaawo kwa katonda omu yekka owawaggulu ,olw'obuyinza ,omutuufu,kye kigambo ekituufu kyokka .Tekisoboka kubaawo bakatonda babiri nga bombi balina obuyinza era nga bombi batonzi .Bw'ofumintiriza ku kino naawe olaba nga tekisoboka.

Ssinga waliwo katonda asukka kw'omu wandibaddewo okutabuka kwensi eno nga bakatonda balemeddwa okukkiriziganya ku ngeri ebintu ebintu jebirina okutambulamu oba okuba munsi ne muggulu, kyokka ekyo kati tekiriiwo .Allah atugamba

" Allah teyazaala mwana yenna ate talina katonda munne . (singa kyali nti waliwo katonda omulala) awo buli katonda Yanditutte ebyo byeyatonda ate abamu bandigezezzaako Okuwangula oba okuwamba abalala." (Quraane: 23: 91).

www.islamic-invitation.com

# ALLAH YEKKA YASAANIRA OKUSINZIBWA

"Ate musinze Allah era temumugattako ekintu kyonna" (Quraane:4:36).

Okusinziira ku njigiriza y'obusiraamu ,okukkiriza mu bw'omu bwa katonda kitegeeza okukkiriza nti okusaba n'okusinza kwonna birina kukolerwa yye yekka.

Tewali n'ekimu kisaanidde kusabibwa ,kulayirwa oba kusinzibwa mu butuufu gamba nga ebibajje ,emisalaaba,entaana,enjuba,omwezi,emunyenye,ebisolo,bannabbi oba ekilara kyonna.Bino byonna bitonde butonde ,tebirina buyinza ate era bikendeevu naye ate Allah talina bukendeevu .

Quraane etujjukiza obukyamu bwa bakatonda ab'obulimba abagunjibwawo bw'eti:

"Abaffe musinza ebyo bye mwekoledde (n'emikono)? .Ate Allah ye yabatonda ne by'emukola". (Quraane: 37: 95-96).

"Mazima abo be musaba abatali Allah baddu nga mwe". (Quraane: 7: 194).

# EBITENDO BYA ALLAH TEBISANGIBWA MU BITONDE BYE.

"Era tewali kimufaanana yadde nekimu".(Quraane:112:4).

Obusiraamu buyigiriza nti tewali bitonde kye birina ng'omugabo mu buyinza bwa Allah ,song'ate ye Allah amanyi buli kimu ekibikwatako .Okuwa ekitonde kyonna ekitendo oba obuyinza nga bwa Allah yekka kuba kusitula kintu ekyo n'okiteeka mu buyinza bwa Allah ate nga tekisoboka era kuba kugatta ku Allah.

Eky'okulabirako okulowooza nti amajjini oba emizimu ,lubaale, eddogo n'ebirala nti bisobola okutuusa obulungi oba obuzibu ku muntu kuba kugatta ku Allah ,lwaki? kubanga Allah ye w'amanyi ali omu yekka, y'agasa ate yakosa .

"Ate temusba nga mugatta ku Allah ebyo ebitabagasa wadde okubakosa era singa mukikola mazima mujja kuba mw'abo abalyazaamanyi". (Quraane: 10: 106).

"Yye yekka y' alina ebisumuluzo by'ebitalabwako tewali abimanyi okujjako yye". (Quraane: 6: 59).

Eby'okulabirako ebirala kwe kulagula ebinajja mu maaso ,ng'ebinaatuuka ku muntu,oyo yenna asuubira nti amanyi ebiribaawo aba yewadde ekitendo ekya Allah yekka ,kubanga Allah y'amanyi ebitalabika n'ebinabaawo yekka.

# ALLAH TAFAANANA NA BITONDE BYE.

Kimanyikiddwa bulungi nti Allah tafaanana na bitonde bye mu njigiriza y'obusiraamu.
Eky'okulabirako amadiini agamu gasomesa nti katonda yawummula ku lunaku olw'omusanvu,oluvannyuma lw'okutonda buli kintu .Allah teyeetaga kuwummula era okukkiriza bw'tyo kuba kugamba nti Allah mukendeevu,munafu ng'ate sikituufu.

"Twatonda amagulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wabyo munnaku mukaaga ate tetwakwatibwa kukoowa kwonna". (Quraane: 50: 38).

Amadiini agamu go gakkirizza nti Allah yeetonda mu kifaananyi ky'omuntu era alina omubiri nga og'womuntu,ate nga ye katonda mukiseera kyekimu.Tulina okumanya nti Allah ssi mukendeevu era takoowa ,wabula mutuukirivu mu bitendo bye ,gamba amanyi kubuli kimu obuyinza bwe bubuna buli kintu ate tafa. Omuntu talina bitendo bijjuvu ,okumanya kuliko wekukoma ,nabwekityo n'obuyinza bwe ate nga afa n'asanaawo

# ALLAH ALINA KUSINZIBWA NGA TOLINA GW'OYITIRAMU.(BUTEREEVU).

Tewali kigaana muntu yenna kusaba Allah butereevu okuyambibwa oba okwenenya jaali. Allah awulira abo bonna abamusinza n'abamusaba .Tewali kayungirizi mu busiraamu.Buli muntu asaba Allah butereevu nga talina gw'ayitiddemu.
Abasiraamu betaagibwa bakuume enkolagana wakati waabwe ne katonda ennungi.Okuyitira mu kintu kyonna, gamba ng'amasanamu ,ebifaananyi ,emizimu,kuba kugatta ku Allah na bintu birala ng'olowooza birina engeri gy'ebimuyambako ate nga tayambibwako ate teyetaaga muyambi kuba ssimukendeevu.

# BANNABBI BONNA BAASINZA ERA NGA BAKKIRIZA ALLAH OMU YEKKA.

"Kituufu twatuma mu buli kibiina omubaka (ng'abategeeza); musinze Allah era mwewale abasinzibwa ab'obulimba(Taguuti)".(Quraane:16:36).

Abasiraamu tukkiririza mu bannabbi bonna Allah yatuma mu buli kibiina oba eggwanga, bonna bajja n'amawulire gegamu –Obwomu bwa Allah. Wammanga tulina eby'okulabirako nga bino;

1.Nabbi Nuuhu (emirembe gibe kuye) yagamba ,

"Abange abantu bange ,musinze Allah temulinaayo musinzibwa mulala atali yye".(Quraane:7:59).

2.Ibraahiimu (A.S) yagamba,

"Musinza ebitali Allah ,ebintu ebitasobola kubayamba yadde okubakolako akabi?"(Quraane:21:66).

3.Muusa(A.S) yagamba abantu be,

"Abange naabafunira ntya omusinzibwa atali Allah ate nga yye yabasukkulumya ku bantu bonna?"(Quraane:7:140).

4.Isa Masiya (A.S) yagamba,

"Mazima Allah ye mulezi wange era ye mulezi wammwe ,kale mumusinze ,eryo ly'ekkubo eggolokofu".(Quraane:43:64).

5.Muhammadi (emirembe gibe kuye), yalagirwa agambe bwati,

"Nze ndi muntu ngammwe ,Nzisiddwako obubaka nti katonda wammwe ali omu yekka .kale oyo yenna asuubira okusisinkana omulezi we akole emirimu emirungi ate tagattanga mu kumusinza (Allah) ekintu ekirala kyonna."(Quraane:18:110).

Omusingi gw'enzikiriza y'obusiraamu kwe kukkiriza nti Allah ali omu yekka ,ali bwa namunigina ,ye nannyini buyinza nga bwe tulabye waggulu.Obusiraamu buwakanya buli njigiriza yonna egamba nti Allah tali omu yekka. Allah ali omu yekka tewali kintu kyonna kitekeddwa kusinzibwa okujjako yye (Allah)..


www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com
www.islamic-invitation.com


# AFRICA ISLAMIC DAAWAH ASSOCIATION (AIDA).

## OBWOMU BWA KATONDA MU BUSIRAAMU

"Gamba yye Allah ali omu, Allah yeyeesigamirwako (bulu kitonde) teyazaala era teyazaakibwa era talina kimufaanana nakimu."(Quraane:112:1-4).


Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_fr@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale يُهدى ولا يُباع


التوحيد
باللغة اللوجندية